# Gavt. ereese etteeka ku babbulooka b'ettaka

Bya TEOPISTA NAKAMYA

GAVUMENTI ereese etteeka ku babbulooka b'ettaka n'amayumba okukendeeza emivuyo.

Kiddiridde ababaka ku kakiiko ka Palamenti akalondoola ensaasaanya y'ensimbi y'omuwi w'omusolo okwemulugunya ku ngeri emivuyo gy'ettaka bwe gyeyongera mu ggwanga buli olukya.

Baabadde basisinkanye minisitule y'ebyettaka n'enkulaakulana y'ebibuga nga bannyonnyola ku kunoonyereza okwakolebwa ssaababalirizi w'ebitabo bya Gavumenti mu mwaka gw'ebyensimbi 2024/2025.

Ababaka baategeezezza nti, emivuyo ku ttaka gisusse nga gireetebwa babbuloka.

Baabaloopedde nti, waliwo lwe batunda ettaka omulundi ogusukka ogumu ekitakkirizibwa ng'oluusi n'ettaka eriteereddwaako envumbo, balyetantala ne balitunda.

Amyuka omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule, Richard Jjuuko yagumizza ababaka nti kino kyakuggwaawo nga baleese etteeka. Yagambye nti, ebbago ly'etteeka lino lyakakasiddwa kabineeti ng'ekiseera kyonna lireetebwa mu Palamenti.

Ebimu ku bitunuuliddwa, kwe kutandika okweyambisa tekinologiya mu kutunda, okugula ettaka n'okukyusa ebiwandiiko. Mu kakiiko ke kamu, omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule, Dorcus Okalany yakakasizza ababaka nti, Gavumenti yaakuzimbira Bannayuganda ababeera mu bifo eby'enzigotta amayumba. Ennyumba obukadde 2 n'emitwalo 60 nga zibalirirwamu obuwumbi 8 ze zigenda okuzimbibwa mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja. Batunuulidde ebitundu nga Kasokoso n'awalala.